# Akubirizza Abakristaayo okuleka omukululo

Bya EDWARD KASIRYE

OMULABIRIZI w'Obulabirizi bw'e Luweero, Bp. Wilson Kisekka **(mu katono)** asabye abazadde okutuula n'abaana baabwe okubalambika ku ngeri y'okweyisaamu mu kiseera ky'oluwummula kuba omuzadde ye musomesa asooka.

Yabadde mu kusabira famire ya Ven. Can. Mudeeka omu ku Bacanon abaasooka mu bulabirizi bw'e Namirembe nga ye yawaayo ettaka okwazimbibwa ekkanisa ya St. Paul e Sambwe.



Ssaabdinkoni w'e Ndejje, Ven. Can Geoffrey Muwanguzi yamutegeezezza nti famire ya Mudeeka y'emu ku ziyimirizzaawo obusumba bwa Ndejje era ng'oluvannyuma lwa kitaabwe, baayongera ekkanisa ettaka okugaziya pulojekiti zaayo mu kifo ky'okulikaayanira nga bwe guli mu famire ezimu.

Maj. Gen. Damulira Sserunjogi eyabadde omugenyi omukulu, yalaajanidde abakulembeze mu ddiini okunyweza enjiri y'okukuuma emirembe mu ggwanga naddala mu kaseera kano ak'akalulu.

Yabawadde akakadde kamu ng'awamu baasonze obukadde obusoba mu busatu ezaaweereddwayo eri omulimu gw'okuzimba sinodi y'Obulabirizi.